| | |
|---|---|
| **Essomo 5** | **الدرس الخامس** |

# OKUSIIGA KU NGATTO

Mu bulungi n'obwangu bw'eddiini yaffe eno ey'Obusiraamu yakkiriza omuntu okusiiga kungatto, era nga kino kikakafu nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar:

***"Agamba AMURU BUN UMAYYA nti nalaba nabbi (SAW) nga asiiga kungattoze eza Huffi n'ekitambaala kye".*** Era n'agamba mu Hadith eyawandiikwa Imaam Bukhar ne Musilim nti:

Agamba Mugiira Bun Shu-uba nti "***Twali tuli awoo lumu nga ndi ne nabbi (SAW) kyeyava akka kunsoloye nagenda namala ekyetaagokye. Bweyamala n'ajja nemmufukirira amazzi agaali mukyombo kyenali nina, n'afuna wudhu (bweyatuuka kubigere) nasiiga busiizi kungattoze eza (Khuffi)"*** wabula okusiiga kuno kungatto kulina akakwakkulizo ko kubeera nga engatto wazambadde ofunye wudhu, wabula bwoba osiiga engattozo kungulu kwazo wabula tosiiga wansi waazo. Era ekigero kyekiseera kyomala nga osiigako busiizi lubeera olunaku lumu n'ekiro kyakwo eri oyo ali ewaka, ate enaku satu n'ebiro byazo eri oyo ali mu lungendo, olwo lwakirizibwa okukendeerezamu esswala. Songa kukutukawo okusiiga olwokugwako kwekiseera nga bwetulabye, oba singa ozijjamu oba ofuna janabba kuba olwo obeera olina okunaaba olunaaba olunene.

**EBYONOONA WUDHU:**

Wudhu eno eyonooneka olw'ekimu kubino wammanga;

**1.** Okuvibwamu ekintu nga kiyita mulimu ku makubo abiri eryemabega oba eryomumaaso, gamba nga omusulo ekyetaago ekinene (nagisi) okuyisa omukka okuvaamu omaniyyu, okuvaamu amadyiyyu n'omusaayi.

**2.** Okwebaka okungi.

**3.** Okulya enyama y'eŋŋamiya.

**4.** Okuzirika n'okugwebwamu amagezi.